# Singa Omuzungu omulala avayo navuganya ne ku bwa president nze na ndimuwagiide!

Posted by Musa

**OMUZUNGU** avuddeyo okusi-guukulula Moses Kalungi mu ntebe ya Ssentebe wa Makindye.
Nze kulwanga oluvanyuma lwo bufuuzi badugavu banafe bwebatutusizako nadala obwa nakyemalira Museven, wakiri okuwagira abafuuzi bamatwale okudamu outukulemebera.

Bwogeregeranya obufuzi bwa Museven, obusosoze, obutemu wamu nobunyazi webuza oba ngadala ono mu na Uganda oba mugwira? Wulira ebisubiza Mw. Clark bye yasubiza omuli okuzimba enguudo namasomero, bigeregaranya ne bukabuyonjo museven bye yasubiza okuzimbira bana Uganda, gwesalawo ani alumirwa ensi yaffe. Nzeno nsaba mweena ban a Uganda okuwagira abazungu abalala bangi nadala okuva mu western Europe okujja otukulembera okusinga bano abagwiira abatamanyidwako nsibuko okujja otufuuga obumbula

**AKALULU KANGE MU KAMPERE DR. IAN CLARK**



Dr. Ian Clarke 'Busuulwa' nnannyini ddwaaliro lya Kampala International Hospital erisangibwa e Namuwongo yeewandiisizza eggulo ne yeewunyisa abantu. Kati abakeewandiisa okuvuganya ku ntebe eno baweze bataano.

Dr. Clarke 58, yabadde nnamba nnya mu bantu abeewandiisizza. Omuzungu Dr. Clarke mutuuze w'e Muyenga Hill era alina obutuuze bwa mirundi ebiri, mu Uganda ne Ireland gy'azaalibwa.

Ng'amaze okuwaayo ebiwandiiko bye n'akakasibwa Mw. Steven Loobi ne Patrick Etyang abakulira ebyokwewandiisa mu Makindye, abawagizi be bamwetisse ku kibegabega ne bamukunguzza okumwambusa ku siteegi y'oku Madirisa, bayise ku Kkanisa y'Abakristaayo eya St. Luke okutuuka ku kkooti takisi we zikyukira abantu nga bakwatiridde ku luguudo beewuunya Omuzungu okujja avuganye ku kifo kino.

Clarke ygambye nti essira ayagala kulissa ku nguudo eziwomoggose, okuzimba emyala, ebyobulamu n'enkulaakulana. Dr. Clarke talina kibiina ky'ajjiddemu.

*Ugandans to the rescue*

11/9/2010

Nga tanneewandiisa, wasooseewo Charles Lwanga Brown eyeewandiisizza mu kasirise ku makya eggulo ku Mmande. Lwanga yeesimbyewo ku lulwe kyokka nga muwagizi wa DP.

Rashid Biruma yajjidde ku tikiti ya NRM, yawerekeddwako oluseregende lw’emmotoka n’abawagizi abangi. Livingstone Kizito, ssentebe wa FDC mu Kampala naye eyeewandiisizza eggulo.

Abasoose okwewandiisa ku kifo kino ye musawo w’amannyo, Robert  Kironde ne Peter Marvin Ssentongo.